# KCCA emenye emidaala ku Kafumbe Mukasa



Emidaala gy'engoye n'ebyokulya mu Kisenyi mu maaso g'akatale ka St. Balikuddembe obwamenyeddwa KCCA ku Lwomukaaga akawungeezi.

Bya SAMUEL BALAGADDE NE HANNINGTON NKALUBO

KCCA emenye ekifo ku Kafumbe Mukasa ekibadde kikoleramu abasuubuzi abawera 100. Ekifo kino kibaddemu okusinga abasala endiboota n'abalejjesa engoye z'emivumba, abatunda ebyokulya ebisiike omuli; enkoko n'ebyennyanja, abakanika pikipiki n'obugaali.Abasuubuzi bano baali baaweebwa nsalessale okukyamuka wabula abasinga ne beesisiggiriza. Ku Lwomukaaga abakozi ba KCCA baakedde kuzinda kifo kino ne bamenyawo emidaala gyonna.

Moses Mugerwa, omu ku basuubuzi ababadde bakolera mu kifo kino yagambye nti, wadde baabalabula okuvaawo naye tebalina gye balaga kubanga ebifo KCCA by'eyogerako nti, biri mu butale obw'enjawulo, batuuseeyo nga tebiriiyo.

Wabula omwogezi wa KCCA, Daniel Nuwabiine yagambye nti, abasuubuzi bano batutte ekiseera nga babalabula okuva mu kifo kino era abamu baavaawo dda.

## KCCA EYONGEDDE OKUMENYA MU OWINO

Ku Lwomukaaga KCCA yazzeemu okumenya ebizimbe ku katale ka St. Balikuddembe. Ekizimbe ekyamenyeddwa kwe kubadde sitoowa ne kaabuyonjo ebyasigala nga biyimiridde.

Okumenya kutwaliddemu n'obuyumba obubadde bwakookerwa ku katale ka St. Balikuddembe ku ludda lwa Kisenyi Road ekifo ekitunudde mu ppaaka ya Ggwanda awabadde watundirwa ebyokulya ebisiike mu buto.

Ku Lwomukaaga, dayirekita wa Kampala Hajjati Sharifah Buzeki yasisinkanye abamu ku bakulembeze b'abasuubuzi ba St. Balikuddembe n'abasuubuzi ab'enjawulo ababadde bakolera ewa Kivumbi n'abalaga akabi akali mu kuleka ennyumba ezaakooneddwa nga ziyimiridde.

Ssentebe wa St. Balikuddembe Joseph Lwanga yagambye nti, ebyavudde mu lukiiko baabadde babanjulira biragiro era bagenda mu kkooti ebaddize akatale.

## *Abantu kye bagamba*



**Derrick Ssemanda :** KCCA ekifo kyonna ekitereezezza naye teyogera mu mmaali yaffe eyali mu sitoowa. Waakiri batusasule naye kati tuli bubi.



**Gerald Ssemanda :** Mmaze ebbanga nga ntereka mu sitoowa eyamenyeddwa okubadde kaabuyonjo naye ffe tewali atwogerako.



**Paul Ssempijja :** Emmaali yange yali mu sitoowa, nasigaza nniigiina zokka. Waakiri KCCA bansansule kuba mmaze ebbanga nga ntereka mu sitoowa ezo.